# Poliisi ekutte aba boda boda abagambibwa okusobya ku bayizi


Rachael Kawala

## Abantu kye bagamba


**John Magoola:** Ekizibu kiri ku muzadde oyo. Weesiga otya omuntu gwe batakuzaala naye n'omuleka okutambuza abaana? Kibe kyakuyiga eri abazadde. Bw'oba tolina budde, omwana musse mu kisulo.


**Jesca Poni:** Sisobola kwesigisa wa bodaboda baana bange era nfaafaagana nabo okubatwala ku ssomero n'obakomyawo okuva ku ssomero. Omwana tazaalika, asaana kuweebwa budde.


**Nnaalongo Annet Nakayima:** Siyinza kwesiga muntu yenna ku mwana wange. Ne bwe mmulekera kitaawe era sibeera mugumu, kababeere bang'anda zange. Kati ku wa booda ate kirala.

Bya ERIA LUYIMBAZI

POLIISI ekutte aba bodaboda babiri abagambibwa okusobya ku bayizi.

Abaakwatiddwa kuliko Ali Ssentongo omugoba wa bodaboda e Ndese-Kasawo mu disitulikiti y'e Mukono ne Shafik Nsubuga. Bano okukwatibwa, kigambibwa nti, bakkakkanye ku baana Ssentongo b'abadde asomba okutwala ku ssomero n'okubaggyayo ne babasobyako kirindi.

Omwogezi wa poliisi mu Kampala n'emiriraano, Rachael Kawala yagambye nti, abazadde b'abaana baabawa Ssentongo okubatwalanga ku ssomero buli ku makya n'okubanonayo olweggulo kyokka ku luno, mu kubanonayo yabatutte mu nnyumba ye n'asobya ku w'emyaka 13 oluvannyuma n'ayita mukwano gwe Nsubuga naye n'akkakkana ku w'emyaka 15 n'amusobyako.

"Kyewuunyusa nti, abazadde beesiga omugoba wa bodaboda okubatwalira abaana ku ssomero wabula n'asalawo okunaaba ensonyi mu maaso n'abatuusaako obuliisa maanyi ne munne," Kawala bwe yategeezezza.

Yagambye nti, abaana olwazzeeyo awaka ne bategeeza ku bazadde baabwe abaddukidde ku poliisi ne baggulawo omusango nga balumiriza Ssentongo ne Nsubuga abaakwatiddwa ne baggalirwa ku poliisi y'e Naggalama nga balinze kutwalibwa mu ddwaaliro kukeberebwa.

Kawala yakubirizza abazadde obutamala geesigisa baana baabwe bantu nga bano.

Veronica Watsemba omukugu mu kunoonyereza ku misango egy'engeri eno agamba nti, ebikolobero eby'engeri eno bingi bituusibwa ku baana kyokka ne watabaawo alondoola. Yalabudde abazadde okukomya okumala geesigisa ba boda boda baana baabwe naddala nga tebamanyi bibakwatako.

Yasabye wabeerewo enkola ey'okulondoola abantu bano wakati w'amasomero n'abazadde, okutangira ebikolwa nga bino.

Eggulo abawawaabirwa baabadde baakuvunaanibwa mu kkooti e Nakifuma, wabula ne bazzibwa ku poliisi e Mukono nga basuubirwa okuvunaanibwa mu kkooti essaawa yonna.